

Ssemango ng'ayogera ku by'okutambula amatumbi, nti baba bava mu mipiira.

# Akatundu we banywera enjaga katiisizza abatuuze

Bya TEOPISTA NAKAMYA

ABATUUZE b'e Nsasa mu munisipaali y'e Kira bawanjagidde abatwala ebyokwerinda okubataasa ku batuuze bannaabwe abawangaalira mu katundu ke baakazaako Kigumpuni. Eno baliirayo amayirungi n'enjaga, mu matumbibudde ne batigomya ekyalo.

Baabadde mu lukiiko lw'ebyokwerinda olwayitiddwa ssentebe Derrick Lukwago nga lwetabiddwaamu atwala poliisi y'ekitundu, David Gonda n'akwasaganya poliisi n'omuntu wa bulijjo okuva ku poliisi e Kira, Moses Kazibwe.

Abatuuze baaloopedde abeebyokwerinda nti, mu Kigumpuni ababatigomya gye basinziira. Gonda yakkirizaganyizza nabo n'asaba poliisi y'e Kira okumwongera ku baserikale.

Ng'oggyeeko okutundayo enjaga n'okuginywa, Gonda yagambye nti eriyo ne bamalaaya. Enguudo eziyita mu Nsasa okuyunga ku bitundu ebirala ziri mu kisenyi nga, olwa Nsasa-Nabusugwe, Nsasa-Janda nga namwo oluusi yagambye mwekwekamu abamenyi b'amateeka.

Omutuuze Erick Ssemango yabadde akyalumiriza poliisi okuyitiriza okubamalako emirembe nti, bo ekibatambuza ku ssaawa 6:00 ogw'ekiro baba bava mu mupiira, Gonda n'amwambalira nti y'omu ku batigomya ekitundu.

Gonda yategeezezza nti, omusango gw'okumenya amayumba gwe gukyasinze mu kitundu kyabwe ne guddirirwa obubbi bw'enkoko.

Ssentebe Lukwago yalagidde bannannyini mayumba okuwandiisa abapangisa baabwe bonna, kiyambeko mu kukendeeza obumenyi bw'amateeka.

Kazibwe yasuubizza okubongera abaserikale n'abakuutira buli omu okumanya ennamba y'essimu ya munne. Yasabye OC Gonda okugoba emisango emitono egitasoose wa ssentebe nga ogw'okulwana nti kubanga abantu abamu tebagoberera misango.